

Mmotoka Rajiv gye yali avuga.

# Ab'e Mengo bawangudde ente ne basale

Byá PATRICK KIBIRANGO

ABAYIZI ba Mengo SS ab'ennyumba ya George baaguddde mu bintu bwe baafunye ssed-dume w'ente 2, sikaala 5 n'ebirala olw'okuwangula emizannyo gy'essomero lino.

Ebirabo bino byabaweereddwa Victoria University eyakiikiriddwa kitunzi waayo, Conan Daniel Busingè eyakiikiridde Polof. Lawrence Muganga eyabadde alina okuba omugenyi omukulu. Busingye yagambye nti kikulu nnyo abaana okwenyigira mu byemizannyo kuba biwagala obwongo. Omukolo guno gwabadde ku ssomero lino e Mengo ng'ennyumba 8 okwabadde Musisi Bunjo, Busuulwa, Sempa, Nsubuga, Luboyera, George, Kennedy ne Armitage ezikola esomero lino zonna zaavuganyizza.

Avunaanyizibwa ku bikolebwa wabweru w'ebibiina, omuli eby'emizannyo okuyimba, omupiira, katemba n'ebirala, Jeremiah Mugerwa yagambye nti olunaku lw'emizannyo luno lukulu nnyo mu ssomero lyabwe kuba liyamba abayizi okuzuula ebitone n'okubikuza.

Akulira essomero lino, Dr. Grace Nantajja Ssebanakitta, yagambye nti ekigendererwa ky'empaka zino kwe kufulumya omuyizi ng'amannyi buli kimu sso si bitabo byokka.



Dr. Nantagya Grace Ssebanakitta.



Abayizi nga babbinkana mu kwolesa ebitone.

# BATEGESE EZ'OKUJJUKIRA RAJIV

Bya JOSEPH MUTEBI

ABAVUZI b'emmotoka z'empaka bategese ebikujjuko okujjukira eyali muvuzi munnaabwe, Rajiv Ruparelia awezezza omwaka ng'afiridde mu kabenje ku nkulungo y 'oluguudo lw'e Busaabala.

Ebikujjuko bino bituumiddwa Rajiv Ruparelia Memorial Drive nga bitegekeddwa aba TT Drags and Drifts UG wansi w'ekibiina kya bavuzi b'emmotoka z'empaka ekya Federation of Motorsports Clubs of Uganda. Omukolo guliyo ku Ssande nga May 3, nga gusuubirwa okugatta abavuzi, ebibiina ebibatwala n'abawagizi. Mmotoka z'empaka ze zigenda okukulemberamu okuyisa ebivvulu nga baakusimbula ku kizimbe kya 'RR Pearl Tower One' ku Yusuf Lule Road bagende ku Speke Resort Munyonyo omugenzi Rajiv gye yali omu ku badayirekita ba wooteeri eno.

Nnaggagga Sudhir Ruparelia era nga ye taata wa Rajiv eyafiira ku myaka 35, yagambye nti abategesi baamusabye bakung'anire ku kizimbe ky'ebabbulamu Rajiv ekya RR Pearl Tower One n'akkiriza. Rajiv yalina abawagizi bangi mu ggwanga lyonna era ku lunaku luno baakwambala emijoozi egiriko ekifaanannyi kye okulaga obuwagizi bwabwe.



Rajiv

Ebikujjuko bino era bigendereddwaamu okukomyawo abawagizi ba Rajiv n'abaali mikwano gye, bavuzi banne okujjukira omuntu eyakola ennyo okukyusa obulamu bwabwe.

Abategesi bagamba nti abavuzi n'abawagizi ba Rajiv baakusooka kukungaanira ku RR Pearl Tower One bategeezebwe ebigenda mu maaso.

Mu October wa 2025, aba FMU bajjukira Rajiv bwe baategeka mmotoka z'empaka e Gulu ku mukolo Sudhir Ruparelia gwe yeetabako n'aba ffamire abalala ne nnyina Jyotsna Ruparelia. Empaka zino zaali ku kalenda ya NRC.

Gye buvuddeko aba Ruparelia Foundation baategeka olusiisira lw'ebyobulamu okujjukira Rajiv mwe bajjanjabira abalwadde b'amaaso mu bitundu by'emu Buvanjuba n'amambuka ga Uganda olwali ku Bukedea Training Institute erya sipiika wa Palamenti, Anita Among.